FRED KISEKKA



Watambala (ku kkono) owa Vipers, Bella Oyera eyakiikiridde Kiplimo, ne Innocent Ndawula eyakiikiridde Kitata owa golf, n'engule za Fortebet.

# Balidde engule za Fortebet

Bya FRED KISEKKA

ABDUKARIM Watambala owa Vipers oluwangudde engule ya Fortebet ey'obuzannyi bw'omwezi (January) n'asuubiza abawagizi baayo okubazza ku 'Bwassaalongo' (okutwala liigi ne Stanbic Uganda Cup).

Watambala y'omu ku bazannyi 3 abaafunye engule za January ng'abalala ye muddusi Jacob Kiplimo ne Willy Kitata owa golf.

Ku mukolo gw'okubakwasa engule ogwabadde ku Molecule Bar & Lounge e Kololo ku Lwokubiri, Watambala yawaze nti, "Ke mpangudde engule eno, ŋŋenda kuyiirawo Vipers omubiri eddemu okuwangula ddabo sizoni eno."

Mu mipiira 14, Vipers tennakubwamu nga y'ekulembeddemu sso nga mu Uganda Cup, ekyalira Northern Gateway ey'e Lira ku luzannya lwa ttiimu 64.

"Nneebaza aba Fortebet Real Stars okumpa engule eno ennyongedde amaanyi. Bazannyi bannange n'abatendesi beebale kumbeererawo," Watambala eyamezze Ambrose Kigozi (UPPC) ne Frank Ssebuufu (Villa) bwe yagasseeko. Yateebye ggoolo 5 mu mipiira 4 mu January.

Mu misinde Jacop Kiplimo yamezze Joy Cheptoyek ne Charity Cherop. Yawangula zaabu mu 'World Cross Country Championship' mu Amerika. Mu golf, Willy Kitata yamezze aRonald Rugumayo ne Susan Knight.

Engule zino ezitegekebwa Isaac Mukasa, zivujjirirwa Fortebet ne Jude Color Solutions.